# Ttakisi ezisoba mu mutwalo zoolekedde okugobwa ku nguudo



Ezimu ku ttakisi mu ppaaka ya Ggwanda. Mu katono y'atwala ppaaka eno, Aloysius Ddamulira.

## 'Gavumenti etuwole'



**Godfrey Kiwanda: Pulezidenti atuyambe asooke atuwole ku ssente nga bw'azze akola abalala ate batuweemu ebbanga kuba mmotoka zaffe ebinnya n'enguudo embi bizimazeewo. Enguudo bazikole kuba ze zivaako obuzibu.**



**Sulaiman Ssessanga Ssentebe w'e Kyengera: Ttakisi okuyita e Nateete ne Nakawuka mu myezi mukaaga eba eweddewo. Pulezidenti atuyambe batuwole ssente tutereeze mmotoka naye eby'okutugoba babiveeko kuba ppaaka zandisigala nga nkalu.**



**Issa Mutebi: Embeera mwe tukolera mbi nnyo era Gavumenti esooke etuwulirize. Tuvugira ku nguudo mbi era mmotoka zifa nnyo ate tukola obusente butono. Pulezidenti atuwole ssente mu SACCO yaffe tuddaabirize emmotoka.**



**Fred Ssempala: Gavumenti twagala etukwatireko kuba tugikolera kinene okusaabaza abantu baayo ku nguudo embi nga olwa Nassere, Nakawuka, Nateete n'endala. Emmotoka zaffe zifa buli kiseera lwa nguudo mbi.**

Bya HANNINGTON NKALUBO

TTAKISI ezisoba mu mutwalo mulamba, ng'ezisinga zikolera mu Kampala zibuzaayo ennaku 14 zigobwe ku nguudo.

Kino kiri mu nteekateeka ya Gavumenti okugogola ebyentambula ng'eyimiriza ttakisi envundu wabula nga bannannyinizo baziremezza ku kkubo.

Embeera eno etadde baddereeva, bakondakita ne bannyinizo mu kasattiro.

Abalala bagamba nti, ssinga ebikwekweto bino bissibwa mu nkola, ppaaka ezimu zijja kusigala nkalu anti mmotoka ezitikkiramu ezisinga ziganyegenya.

Ezimu ku nguudo ezoolekedde obutasigaza ttakisi kuliko; olwa Nakawuka, Ssentema - Nasere, Kiteezi – Kiti- Buwambo, Busaabala, Ndeeba, Nakawa- Ntinda.

Enguudo endala okuli ttakisi eziri mu mbeera embi kuliko; Kibuli, Kawempe, Kayunga ezikolera mu paaka y'e Busega ne Nateete, Bunamwaya n'endala.

Minisita w'eggwanga avunaanyizibwa ku mirimu n'entambula, Fred Byamukama nga March 18, 2026 yalangiridde nti Gavumenti ekooye ttakisi eziri mu mbeera embi ezaakazibwako erya ganyegenya n'alagira nti zonna zigenda kutandika okukwatibwa nga April 08, 2026.

Abakulembeze b'abattakisi mu kibiina kya UTOF bategeezezza nti ekiragiro kibeewuunyisizza kubanga minisita okusooka yakirangiririra mu lukiiko lw'aba bbaasi nti bo tabasisinkanangako kubategeeza ku nsonga eyo.

Omumyuka wa ssentebe wa UTOF, Mustafa Mayambala yagambye nti, bazze bawanjagira Gavumenti ebayambe ku mbeera y'omulimu gwabwe mwe bakolera nti, bangi tebeesobola bulungi naye ate beewuunya okuwulira Gavumenti ng'ewadde omusimbi omungi abalala bagaggawale.

Ssentebe wa paaka ya Ggwanda, Aloysius Ddamulira yagambye nti, ekiragiro kya minisita kikwata kumpi ku ttakisi zonna era ssinga minisita ekiragiro akiteekesa mu nkola, agenda kufaanana ng'aweeze omulimu gw'okuvuga ttakisi.



Emitto mu ttakisi ezimu gijjudde ebituli.

"Enguudo embi ze zimazeewo ttakisi zaffe. Ttakisi eyita e Nateete ku poliisi buli lunaku emirundi egisoba mu 10 n'egenda e Nakawuka mu ttosi n'enfuufu, ddala omwaka we guggweerako eba efaanana etya? Nabo batunuulire enguudo kwe tukolera mbi nnyo basooke bazikole," Ddamulira bwe yagambye.

Baddereeva baakung'aanidde ku ofiisi ye ne bawanjagira Gavumenti ebayambe ebawole ssente batereeze mmotoka mu bbanga lya mwaka gumu, eryoke ebagobe.

"Tusaba minisita tumusisinkane tumulage obulumi bwe tulimu, ategeere embeera embi mwe tukolera nga tannayisa biragiro," bwe baagambye.

Atwala ekitundu kya Kampala n'emiriraano mu UTOF, Khalid Bbaale yagambye nti, minisita ateekwa kusooka kusisinkana baddereeva abannyonyole ky'ayagala nga tannayisa biragiro bibakwata.

Yagambye nti, beekengedde nti waliwo abaagala okuleeta bbaasi mu mulimu gwabwe era tebagenda kulinda lunaku lwa kubakwata.

Ddereeva ku siteegi y'e Ssentema okugenda e Nassere yalaze mmotoka ye ganyegenya n'agamba nti, yeetaaga obukadde mukaaga okugikanika edde bupya naye tazirina. N'agamba nti, bwe bazimuwola agenda kukola azisasule mpola mu mwaka gumu.



Ttakisi ezimu ziyenjebuse.

### MINISITA ABOGGODDE

Nga March 18 2026, Minisita Fred Byamukama yategeezezza nti, osanga ttakisi ng'esibiddwa emiguwa, emito nga gyayenjebuka, amataala gaafa, wipers ezikola mu nkuba nga teziriimu era nga ddereeva avuga abasaabaze nga talaba gy'agenda.

Yalabudde nti, ebitongole bya Gavumenti okuli ekya Poliisi, KCCA ne minisitule y'ebyentambula bigenda kukwatagana bikwasise amateeka. Minisita yategeezezza nti, ttakisi zitambuza abasaabaze nga zitonnya, nga ziwunya, ng'emitto gyaguba, emirala gyayulika nga n'entebe ezimu zaavaamu dda!

Wabula baddereeva bagamba nti, Gavumenti esaana ebawe obudde obumala okukola ssente batereeze mmotoka oba ebawole.

Baagambye nti, banywa amafuta ate ga bbeeyi ate ekirala Gavumenti egaanyi okukola enguudo nti zonna zijjudde ebinnya ate nga basasula KCCA omusolo gwa 740,000/- buli mwaka n'endala zisasula 820,000/- buli mwaka.

### KCCA ERINZE BIRAGIRO

Omwogezi wa KCCA, Daniel Nuwe Abine yagambye nti, balindiridde kulung'amizibwa kwa minisitule ne Poliisi ekola ku bidduka basobole okussa mu nkola ekiragiro kya Gavumenti. Yagambye nti, mmotoka kumpi zonna ziganyegenya era bwe baba baakuziwera, paaka zaakusigala nkalu.

Yalaze nti mu 2022 bwe baabalirira ttakisi oluvannyuma lw'obulwadde bwa Covid 19, zonna zaali 15,000. Ebiwandiiko bya UTOF biraga nti ttakisi zaakendeera nnyo mu Covid nti ezaali 16,000 kati ziringa 14,000 olw'embeera embi baddereeva gye baayitamu ku nguudo mu biseera ebyo.